# OKUJJAMU OLUBUTO NGA OKOZESSA AMAKELENDA NGA GAGATIDWA

## MIFEPRISTONE WAMU NE MISOPROSTOL



## OBUKAKAFU KU DDAGALA LINO

Okujamu Olubuto ngokozesa amakerenda ga Mifepristone wamu ne Misoprostol kyesigika atenga tekyikosa bulamu bwomukyala singa aba azikozeseza mu wiki kuminabiri ezisoka nga afunye olubuto.

## SINGA EDDAGALA LINO LIBA TELIKUYAMBYE

Osobola okudamu nokozesa omutendera guno okujamu olubuto oba nogenda eri' omusawo omukugu alujemu. Tewari mutawano/ oba ngwandiba mutuno nyo eri esonga zokuzala olubuto bweruba nga lusigademu oluvanyuma lwo'kukozesa amakarenda nga Misoprostol.

## EKIGENDERERWA KYANGE (EKYOKUJJAMU OLUBUTO) KYATUUKIZIZZIDWA?

**Wadde nga omukyala awulira nga takyalina lubuto, kyabuvunanyizibwa okukakasiza ddala nti olubuto luviliddemu dala. Omukyala ateekedwa okugenda mu ka tivi okeberebwa oba akyalina olubuto oluvanyuma lwa wiiki 3-4 okujjamu olubuto**

Omukyala bwaba tavuddemu musayi, oba nebweguba mutono (mutono kw'ogwo ogumuvamu nga ali musonga ate nga tegwetuzze) nga kyalaga obubonero obw'oyo ali olubuto oluvanyuma rwo'kukozesa amakerenda kisoboka okuba nga akyalina olubuto. Akubirizibwa okugenda mu ka Tiivi mubwangu ddara, akakase olubuto obaa mwemuluri oba telulimu. Kiino bwekigaana asobola okudamu nakolesa amakerenda.

## OLUVANYUMA LWOKUJJAMU OLUBUTO

Oluvanyuma lwokujjamu olubuto, omukyaala asuubira okuvamu olusaayisaayi okumala wiki 1-3, naye nga abakyaala bwebali abenjawulo, olina okukakasiza ddala nti olubuto lwavudemu.

Omukyala talina kuyisa kintu kyonna mubukyala bwe oba okwegatta namusajja,okwesonsekayo tampons okutuusa nga omusaayi gukendedde, waakiri okumala ennaku nga 2.

Omukyala asobola okufuna olubuto mubwangu ddala nga yakajjamu olubuto omukyala nga tayagala kufuna mangu lubuto, asobola okukozesa enkola eyomulembe eyekizaala ggumba okewala okufuna olubuto lwatetegekedde.

## CONTACTS


Women HelpWomen
WEB: HTTPS://WOMENHELP.ORG/
EMAIL: INFO@WOMENHELP.ORG
TWITTER: @WOMENHELPORG
FACEBOOK: WOMENHELPWOMENINTERNATIONAL

MAMA Network: Mobilizing Activists around Medical Abortion (MAMA).
WEB: WWW.MAMANETWORK.ORG

## LIKOLA LITYA?

Okujjamu olubuto nga okozesa amakerenda kireta ebeera eyefanyiriza nga omukyala aba avuddemu obuvi olubuto

MIFEPRISTONE MISOPROSTOL

Amakerenda gebayita Mifepristone gaziyiza obusiimu bwebayita progesterone obulabirira olubuto lwomwana ela buletera nabaana okukiriganya ne ndagala Misoprostol.

Amekerenda gebayita Misoprostol galeetera omukyala ebisa ekiviirako nabaana okwenyiga ekivirako olubuto okuvamu ngo obutole bwomusayi.

## ESOBOLA KUKOLA BANGAKI OKUSOBOZESA OKUJAMU OLUBUTO MUMITENDERA EMITUFU.

0 »12 weeks

Esobola kukora mu naku kuminabiiri, okuva kulunaku olusoka lwewasembayo mu songa zabakyala.

## LIKOZESEBWA LITYA OKUJJAMU OLUBUTO?

MIFEPRISTONE 200 mg

MISOPROSTOL 200 mcg

Omukyala yetaaga empeke 1 eya Mifepristone(200mg) nempeke 4 eza Misoprostol(200mcg buli emu).

MIFEPRISTONE 200 mg

Empeke ya Mifepristone elina kumiribwa na gilaasi yamazzi.

Oluvanyuma lwe ssaawa 24, omukyala alina okabatika **empeke 4 eza Misoprostol wansi wolulimi.**

24 hours

Ateeka empeke bbiri bbiri buli ludda wakati wekibuno nolubba

Empeke zonna nnya azibatikidwa oyiina okuzileka mumatama okumala eddakiika 30 zisobole okumuluguka. Elisigadewo lisobola okumilibwa oluvanyuma.

30 min

## EMBEERA GYOYINZA OKUFUNA NGA SIYA BULIJO



24h

Mu ssaawa 24 ezisooka, oyinza okulaba obubonero bunno wammanga: Okusindukirirwa emmeeme, okusesema, okuddukana,omusujja gwekitengo oba ogutali gwakitengo, okulumwa omutwe nekamun-guluze. Naye obubonero buno tebweralikiza era sibwabulabe era nga bugwaawo mu ssaawa ntono.



## BIKI BYOSUBILA OKUYITAMU OLUVANYUMA LWOKOZESA EDDAGALA LINO?

Ebitore bwomusayi nokuvaamu omusaayi mu bukyala okusinga ku gwomukyala agenze munsonga ze'ekikyala.

24 hours

Kubitundu Kyenda, olubuto lutandika kuvamu oluvanyuma rwesawa mukaga.

Ebbanga omukyala lyamala n'olubuto n'obungi bwobutore bwomusayi, era n'obungi bwomusaayi ogumuvamu.

Amakerenda ga Ibuprofen agakendeza kubulumi gamilibwa wamu ne dozi esoka eya Misoprostol. amakerenda ga **Paracetamol/ acetaminophen** gasobola okwongerwako.

## OBUBONERO OBULAGA SINGA WALIWO OBULABE?

Okuvaamu omusaayi omungi mu bukyala nga okyuusa ebiwero emirundi 2-3 ebijude buli saawa okusukka essawa 2 oba 3 ezomudilinganwa. 2h

39°

Omusujja oguliwangulu wa digulu 39 Celsius oba 38 Celsius okusuka essaawa 24 24h

Obulumi obutakendeera mu nnaku ntono oluvanyuma lwokukozesa eddagala elikakanya obulumi oluvanyu-ma lwe naku nga okozeseza edagala.

Okuva amazzi mubukyala agatali ga bulijjo ate nga gawunya bubi

## OLINA KOLA OTYA SINGA OFUNA EMBEERA NGA SIYA BULIJJO?

**Dduka mangu mu ddwaliro**

**Singa wabaawo obuzibu bwonna, omusawo mu ddwaaliro alina obuvunanyizibwa okukuwa obujajabi mu bwangu ddala nga bwekisoboka.Obujajabi obulina okukuwebwa bufananira ddala obwo obuwebwa omukyala avudeemu olubuto. Kizibu okwawula olubuto lwogyemu ne Misoprostol oba Mifepros-tone noluvuddemu lwokka.**

**Omukyala eyetaga obujajabi asobola ogamba nti olubutolufu-demu lwoka.**